**25th/04/2021**

**1 ABASESSALONIIKA 5:19-28 - TWEKWATE OMWOYO OMUTUKUVU N'EKIGAMBO NGA TULINDIRIRA YESU KRISTO**

Mu kitundu kino tugenda kulaba Katonda bw'afaayo eri ffe nga tuwuliriza Omwoyo Omutukuvu n'ekigambo kye era n'okuba nti tusangibwa nga tetuliiko kya kunenyezebwa mu kulindirira Mukama waffe Yesu Kristo. Era tugenda kulaba nti atuwadde obusobozi okuyita mu Kristo Yesu okukola nga bw'ayagala.

Vs19 Abakkiriza baakubirizibwa obutalemesa Mwoyo Mutuku kukola mirimu gye mu bulamu bwabwe nga bamuzikiza.

Omwoyo eyaweebwa abayigirizwa ba Yesu Kristo muyambi mukulu mu buli mulimo ogwabaweebwa. Era nga baalina okusigala mu bumu n'Omwoyo ono mu buweereza n'obulamu bwabwe. Bwe gwali n'eri abakkiriza mu Sessaloniika nti nabo ng'abakkiriza abalala bonna baali bakozesebwa Katonda mu buweereza ne mu bulamu bwabwe nga bayita mu maanyi ag'Omwoyo Mutuvu. Amaanyi gano nga gakola mu ngeri ez'enjawulo gaalina okukumiibwa nga balina enkolagana etaziyiza Mwoyo Mutukuvu kukola mu bulamu bwabwe.

**Isaaya 63:6-10** ***"Yagamba nti, "Ddala bantu bange, abaana aboobulenzi abatannimbelimbe," era bw'atyo n'afuuka omulokozi waabwe. Yabonaabonera wamu nabo mu kubonaabona kwabwe kwonna, era malayika ayimirira mu maaso ge n'abawonya. Mu kwagala kwe n'ekisa kye yabanunula; yabayimusa n'abeetikka mu nnaku zonna ez'edda. Naye baajeema ne banyiiza Mwoyo Mutukuvu, kyeyava abakyukira n'afuuka omulabe waabwe era ye kennyini n'abalwanyisa.***"

**Matayo 12:31** ***"Noolwekyo mbategeereza ddala nti Omuntu alisonyiyibwa buli kibi kyonna, na buli kuvvoola. Naye alivvoola Mwoyo Mutukuvu talisonyiyibwa."***

**Abefeso 4:30** ***"Era temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu wa Katonda, eyabateekako akabonero akalaga nga mwanunulibwa."***

Tusobola okuzikiza Omwoyo omutukuvu mu bulamu bwaffe nga tujeema okuwuliriza okulungamizibwa kwe gyetuli, okumukugira okukola mu ffe.

At'era tusobola okumuziyiza okukola mu bulamu bw'abantu abalala. Kino kisoboka bwe tugaana okukola Katonda ky'ayagala okutuyisaamu okutuuka ku bantu be oba n'okubeera ekyesittaza mu bulamu bwabwe nebalemesebwa okwewaayo eri Omwoyo wa Mukama.

Emirundi mingi tuwulira okulumirizibwa okubaako byetukola naye ne tukkakanya okwagala okuli muffe okutuuka nga tetukyakuwulirira olwo ne tulowooza nti tutikkuddwa omu mugugu wabula nga okulumirizibwa kw'Omwoyo kwe tutakyawulira kubanga tetugonze gy'ali.

Vs20 Abakkiriza bakubirizibwa  obutalengezza/ obutaziimuula bigambo bya bannabbi. Baali baakubawuliriza kubanga okuyita mu bo Katonda ayogera nabo. Mu biro ebyo Baibuli yali ssi nzijuvuu era nga Katonda yayitanga mu bunnabbi okwogera eri  obulamu bwa bantu be kale kyekyava kibagwanira okussaamu ekigambo kye ekitiibwa.

Tuweebwa oby'okulabirako mu byawandiikibwa ng'abantu ab'enjawulo banyooma ekigambo kya Katonda n'abo abakibatuusaako nga muno mulimu ne kabaka wa Yuda eyayitibwanga Yekoyakimu eyayokya ebyawandiikibwa;

**<u>Yeremiya 36:23-27</u>** ***"Buli Yekudi lwe yasomangako empapula ssatu oba nnya ez'omuzingo, kabaka ng'azisala n'akambe k'omuwandiisi n'azisuula mu muliro okutuusa omuzingo gwonna lwe gwajjiira mu muliro. Kabaka n'abantu bonna abaawulira ebigambo bino tebaatya, wadde okuyuza engoye zaabwe. Newaakubadde nga Erunasani, ne Deraaya ne Gemaliya beegayirira kabaka obutayokya muzingo, teyabawuliriza. Naye kabaka yalagira Yerameeri mutabani wa kabaka ne Seraya mutabani wa Azulyeri ne Seremiya mutabani wa Abudeeri okukwata Baluki omuwandiisi ne nnabbi Yeremiya, wabula Mukama ng'abakwese."***

Mu biro bya nnabbi Zakaliya namwo mulimu obubaka obwajja eri abantu olw'obutagondera kigambo kya Katonda;

**<u>Zakaliya 7:12</u>** ***"Ne bakakanyaza emitima gyabwe ng'ejjinja, ne batawuliriza mateeka wadde ebigambo Mukama ow'Eggye bye yaweereza n'Omwoyo we mu mukono gwa bannabbi ab'edda. Mukama ow'Eggye kyeyava abanyiigira ennyo."***

Katonda ayogera naffe okuyita mu kigambo kye kyetussaamu ekitiibbwa. Naye ate era akyalina abantu b'akozesa okwogera ekigambo okututuusaako obubaka okuva gy'ali.

Tulemenga kunyooma kigambo kye era nga obutanyooma bweyolekera mu kukola ebyo ebitusomeseddwa okuva mu Kigmabo kya Katonda.

**<u>Ababbulaniya 2:1-3</u>** ***"Kyekivudde kitusaanira okussaayo ennyo omwoyo ku bintu bye twawulira, si ku lwa nga tuwaba ne tubivaako. Obanga ekigambo ekyayogerwa bamalayika kyakola, na buli eyayonoona era n'ajeemera ekigambo ekyo, yaweebwa ekibonerezo ekimusaanira, ffe tuliwona tutya bwe tuliragajjalira obulokozi obukulu obwenkana awo? Obulokozi obwo bwasooka okwogerwa***

***Mukama waffe, ne bulyoka bukakasibwa abo abaabuwulira.***

Vs21 Pawulo asomesa abakkiriza okwetegereza/ okugezesa ebintu byoona balabe oba nga bituufu; buli kimu ekyayigirizibwa n'ebyo ebitukwatako ng'abakkiriza.

Nga bamaze okugezesa/ okwetegereza, bwe bazuula ekirungi ng'ekyo bakyekwatako.

<u>**Ebikolwa By'abatume 17:11**</u> ***"Abayudaaya b'omu Beroya baali balungi okusinga ab'e Sessaloniika, ne bawuliriza bulungi n'essanyu Ekigambo ekyababuulirwa. Buli lunaku nga babikkula Ebyawandiikibwa okunoonyaamu ebyo Pawulo ne Siira bye baayogerangako bakakase nti Bya mazima."***

<u>**1 Yokaana 4:1-6**</u> ***"Abaagalwa, temukkirizanga buli myoyo, naye musookenga okugyetegereza mulabe obanga givudde eri Katonda, kubanga kaakano waliwo bannabbi ab'obulimba bangi mu nsi. Eno y'engeri gye tutegeeramu Mwoyo wa Katonda: buli ayatula nti Yesu Kristo yafuuka omubiri, ng'ava eri Katonda, oyo y'alina Mwoyo wa Katonda. Naye buli mwoyo ogutayatula Yesu nga teguvudde eri Katonda. Ogwo gwe mwoyo ogw'Omulabe wa Kristo, gwe mwawulira nti ajja mu nsi, era amaze okutuuka. Mmwe, abaana abaagalwa, muli ba Katonda era mumaze okuwangula, kubanga oyo ali mu mmwe wa maanyi okusinga oyo ali mu nsi. Bo ba nsi era boogera bya nsi, era abantu b'ensi kyebava babawuliriza. Naye ffe tuli bantu ba Katonda, era buli amanyi Katonda atuwuliriza; atali wa Katonda tatuwuliriza. Eyo y'engeri gye tusobola okwawulamu omwoyo ogw'amazima n'omwoyo ogw'obulimba."***

Ng'omuguzi w'engoye bwe yeetegerza engoye z'agula okukakasa oba zimutuuka, naffe tukubirizibwa okukozesa amagezi ago ku bye tuwulira, bye tulaba ne byetusomesebwa.

Ekitegeeza nti mu bigenda mu maaso mulimu ebirungi n'ebibi era ebibi newaakubadde bibi tetusobola kubigaana kugenda mu maso naye ffe tulondeko ebirungi bye tuba twekwatako.

Vs22 Abakkiriza baakubirirzibwa okumanya ekirungi; ekibi bakyewale. Ekibi bakiyite wala. Ebibi tebirina mitendera, byonna bibeera bibi ku mutendera gyonna.

Bangi ku bo baalowooza ng'abamu bwe tulowooza nga tuteeka ebibi ku mitendera nti kino kisinga kiri wabula Pawulo abasomesa nti ekibi kyonna kirina okwewalibwa.

<u>**1 Peetero 3:10-11**</u> ***"Kubanga ekyawandiikibwa kigamba nti, "Ayagala okufuna obulamu n'okubeera mu ddembe, aziyizenga olulimi lwe okwogera ekibi, n'emimwa gye okwogera ebyobukuusa. Era yeewalenga okukola ebibi, akolenga ebirungi. Anoonyenga emirembe era atambulirenga mu gyo."***

Obubi bulabikira mu ngeri nnyingi mu bulamu bwaffe muno nga mulimu enjogera, ebikolwa, enkolagana yaffe n'abantu abalala naye twewale ekibi kyonna wadde ebyo ebikifaanana.

Vs23 Katonda ow'emirembe abatuukirize bulijjo okutuusa okutuusa okutuukirira ddalla.

Kyali kyangu okuwulira ebigambo bya Pawulo abakkiriza ne batandikika okukola ebisomesedddwa mu maanyi gaabwe ekyali kiyinza okuleeta okulemererwa mu bulamu bwabwe obw'omwoyo kubanga ebisomesebwa bino tebisoka ewatali Katonda.

**<u>Abaebbulaniya 13:20-21</u>** ***"Kale, Katonda ow'emirembe eyazuukiza Mukama waffe Yesu, Omusumba w'endiga omukulu ow'endagaano etaggwaawo gye yanyweza n'omusaayi gwe, abawe buli kirungi kyonna kye mwetaaga okubasobozesa okukola by'ayagala, era atukozese ebisiimibwa mu maaso ge ng'ayita mu Yesu Kristo. Aweebwenga ekitiibwa emirembe n'emirembe. Amiina."***

Katonda y'asobola okutukuza emyoyo gyaffe, emmeeme zaffe, awamu n'emibiri gyaffe. Era ayagala nga buli kitundu ku bulamu bwaffe nga tekiriiko kyakunenyezebwa.

Emmeeme y'eberamu ebirowooza byaffe, okwegomba kwaffe, engeri gyetuwuliramu nga tusisinakanye embeera e'zenjawulo.

Omwoyo ky'ekitundu ku bulamu bwaffe ekikwatagana ne Katonda era ky'ekiwulira okuva gyali.

Omubiri gwo ne guba ekitundu kkirabika ku muntu era mu kino mwe tusinziira okukola ebintu Katonda by'atadde mu myoyo gyaffe nga bitambuzibwa emmeeme.

Bino byonsatule Katonda ayagala bireme kubaako kya kunenyezebwa mu bulamu bwa buli mu kkiriza.

Kyangu nnyo abasinga kuffe okufa ku myoyo ne twelabira nti ffenna kitole tukola kye bayita omuntu era nga mu kikula kino wamu twoleka enkola za Katonda.

Bwe twerabira nti n'emibiiri gyamugaso eri Katonda netulowooza okufa ennyo kuby'omwoyo tuba twelabidde nti omubiri gwe gutereka omwoyo kale ng'omwoyo bwe kigwetaagisa okuba omutukuvu n'omubiri kigugwanira okuba nga teguliiko kya kunenyezebwa olwo netufuna bulungi ekifaananyi ky'omwoyo oguterekeddwamu.

***Ani kuffe eyandyagadde okugabula omugenyi amata (ameeru) mu kikopo ekinyookako ensowera n'akamwenyomwenyo akanene nga bwagambi nti 'tofa ku kikopo wabula fa kumata ameeru agali mu kikopo?'***

Lwaki obutaba na kyakunenyezebwa kwetaagisa?; kubanga tulina gwe tulindirira nga ye Mukama waffe Yesu Kristo gwetulina okusisinkana nga tusaanidde.

Kino kitulaga nti buli lunaku nga tulinidiriraYesu Kristo tulina okuba abeetegefu mu mwoyo, mu meeme wamu n'emiri gyaffe.

Vs24 Katonda yali waakutuukiriza okudda kwa Mukama waffe Yesu Kristo era awe obusobozi bwonna eri abakkiriza akumulindirira mu kubasobozesa okusaannira mu kujja kwe.

Okubatukuza n'okukuumibwa nga tebaliiko kya kunenyezebwa mulimo gwa Katonda era n'okudda Kwa Mukama waffe Yesu nagwo mulimo gwa Katonda kyekiva kireeta obulokozi bwe twakkiriza okuba nti bwetooloolera ku Katonda.

**<u>2 Abasessaloniika 3:3</u>** ***'Naye Mukama waffe mwesigwa, alibanyweza mmwe era anaabawonyanga Setaani.'***

**<u>Abaebbulaniya 12:1-3</u>** ***"Kale nga bwe tulina ekibiina ekinene eky'abajulirwa ekyenkana awo, twambulengamu buli ekizitowa, awamu n'ekibi ekitwesibako amangu, tuddukenga n'okugumiikiriza embiro ez'empaka ezatutegekerwa, nga tutunuulira Yesu eyatandika okukkiriza era y'akutuukiriza, olw'essanyu lye yali alindirira bwe yagumiikiriza omusaalaba, ng'anyooma ensonyi, n'atuula ku luuyi olwa ddyo olw'entebe ya Katonda. Kale mulowooze oyo eyagumiikiriza okuwakanyizibwa okw'abakozi b'ebibi bwe kutyo, mulemenga okukoowa mu mmeeme zammwe nga mutendewererwa ne mu mutima.***

Vs25-28 Pawulo asaba abakkiriza okumusabira wamu ne banne bayeweerezanga nabo mu njiri ya Mukama waffe Yesu Kristo. Ebyo byonna bye yabasomesa nabo baali babyetaaga ng'abasomesa era kwe kusaba okusabirwa nabo Mukama ayongere okubakozesa era n'okukola mu bo.

**<u>2 Abasessaloniika 3:1</u>** ***"Ab'oluganda, eky'enkomerero, mutusabirenga, ekigambo kya Mukama kibune mangu era Mukama agulumizibwenga, nga bw'agulumizibwa mu mmwe,"***

Bonna Pawulo abalamusa ng'abafaako era ng'abalowoozaako era asaba ebbaluwa eno esomwe mu kubeerawo kwa buli mukkiriza okukakasa nti teri n'omukubo alekebwa mabega mu kukkiriza.

N'abagaliza ekiisa kya Yesu Kristo: okuganja okutali kukolerere wabula okw'obuwa okuva eri Yesu Kristo kubeerenga nabo bulijjo nga bwe yali enkola ye n'eri abakkiriza abalala beyawandiikira.

Ebikulu:

i) Tetuzikiza Myoyo Mutukuvu mu bulamu bwaffe ne mubulamu bw'abala.

ii) Tetunyooma kigambo kya Katonda
iii) Twekenneenyenga ebintu byonna, tugyemu ebirungi tubyekwateko.
iv) Twewale buli ngeri ya kibi
v) Tweweeyo eri Katonda okutukuza ffenna, emmeeme, emyoyo, n’emibiri gyaffe.
vi) Tumanye nti bino bisoboka lwa kisa kya Katonda era mu maanyi gaffe tebisoboka wabula lwa kisa; kale tweweeyo eri ekisa ekyo.